## BAZUDDE MULAMBO GW'OMWANA E KAMULI

OMWANA ow'emyaka 9 abazadde gwe bamaze wiiki nga banoonya, omulambo gwe, gusangiddwa mu mugga nga gutandise okuvunda. Bibadde ku kyalo Buyonda mu ggombolola y'e Mbulamuti e Kamuli, bwe bazudde omulambo gwa Amos Mugoya nga guvundidde mu mugga Kiko abantu gye batera okukima amazzi. Mugoya, abadde omuyizi ku Little Angel P/S. Yabula wiiki emu eyise, era nnyina, Irene Namukose n'abooluganda babadde bamunoonya. Kitegeezeddwa nti yasemba kulabibwako, bwe yali ne banne nga bagenze okukima amazzi era nga kisuubirwa nti yaseerera n'agwa mu mugga. Omwogezi wa poliisi mu Busoga North, Samson Lubega, agambye nti omulambo baaguggyeyo nga gutandise okuvunda nga tekuli kiwundu.